# Muky. Museveni awereddwa engule y'omukyala asinze okusukkuluma mu 2025



Muky. Museveni ng'akwasibwa engule Pulofeesa Adaikalam ne mukyala we . Ku kkono ye Pulezidenti Museveni.

Bya SHARON NABASIRYE

MUKA Pulezidenti era Minisita w'Ebyenjigiriza Janet Museveni alondeddwa ng'omukyala asukkulumye mu mwaka 2025 ku mutendera gw'ensi yonna n'akwasibwa engule ekiyitibwa eya "The International Women ICON Awards 2025'

Engule yamukwasiddwa Ssentebe w'olukiiko olufuzi era omutandiisi wa Binary University Tan Sri Dato, Pulofeesa Joseph Adaikalam ne mukyala we Puan Sri Datin pulofeesa Dr, Rohini Devi okuva ku Binary yunivasite e Malaysia ku mukolo ogwategekeddwa mu maka g'obwapulezidenti Entebbe nga gwetabiddwako ne Pulezidenti Museveni eyabadde omugenyi omukulu .

Polof. Adaikalam yategeezezza nti engule eno eweebwa omukyala akoze ebyenjawulo mu nsi yonna buli mwaka, era ng'omukyala owoomwaka guno ye mukyala w'omukulembeze w'eggwanga, Janet Kataaha Museveni, olwokutumbula enkulakulana mu Uganda. Mukyala Museveni yeebazizza Katonda olw'okumuwa obulamu okutuuka ku kkula nga lino era yeebazizza Pulezidenti Museveni olw'okumubeererawo ebbanga lyonna

Yejjukanyiza Katonda gy'amuggye era n'atunyumiza ku biseera ebikadde ebyalimu okusoomozebwa atuuke n'okuwangangusibwa ng'olutalo olwaleeta NRM lutandise okukwazza, nga embeera eno ye yamuviirako okutandikawo ebitongole nga UWESO, Uganda Youth Forum, okukwasizaako abawejjere mu by'okusoma n'abakyala abali mu bwetavu.

Pulezidenti Museveni, yawadde Bannayuganda naddala abakozi ba gavumenti amagezi okukozesa emirimu gyabwe okuleka omukululo , n'okuyamba abantu abali mu bwetaavu kibayambe okubalibwa mu baweereza abensa n'okusiimibwa.

Yasiimye Mukyala Museveni olw'obuvumu bwazze akola mu bitongole ebyenjawulo omuli mu minisitule y'e Karamoja, ebitongole byobwanakyewa n'ebirala.